ENNIMA, EDDAGALA, NENZIJANJABA YE MIYEMBE:

Emiyembe gidda bulungi mu bitundu ebya Uganda.

(a) Egirina obugogwa mingi nyo mu bitundu bya Uganda.Waliwo abagyagala
Olwo'okukamula n'okulya obuto
(b) Egitalina bugogwa- girimu ebika bingi eminene nobutono nga gyawukana mu mpooma. Ebika bino bye birungi okusimba nga buli muntu asimba kyaba ayagadde.

KAWANDA RESEARCH STATION WALIYO EBIKA BINGI NNYO ERA BINO BYEBIMU KU BIKA EBIRIYO.

1.Sejjembe
2.Bire
3. Doodo
4.Asanti
5.Keti
6.keit
7.Kent
8.,Zillate
9.Boribo
10.Ngowen
11.Florigon
12.Duncan,
13.Iriwin,
14.Tommy
15.Atkins,
16.Glenn,
17.Juli, Parvin
18.palmer
19.Pinero,
20.Kitovu n'ebiralabingi ebipya.

* **Pinero** ne **Ngowen** gyegisinga okugejja.
* **Tommy Atkins** yasinga okuwooma.
* **Glen** ne **Florigon** girabika bulungi mu compound.

Kirungi okusimba endokwa ennyunge zibala mangu ate tegiwagguuka nnyo nga ejo egivudde obutereevu mu nsigo- nga

kati gy'egisinga obungi, myangu okufuuyira n'okunoga era n'okulabirira. Tomala galonda nsigo gy'osanze Simba endokwa gy'olonze ngogyimanyi bulungi okuva mu nursery entuufu. Webuuze ku'mulimisawo akuyambe.

Osobola okusimba ensigo yonna obutereevu mu musiri gwo., n'olyoka oyungako ekika ky'oyagaala nga guweza fiiti **1** oba **2.**

Bw'oba olina ekika ky'otoyagala okugeza nga Gogwa, ogutema n'oleka ekikolo **fiiti 2.**
Bweguloka n'osibakoekika kyoyagala

Osoboola okuzza obuggya ebikolo ebyo ebiwagguuse ennyo. Tema enduli oleke **futi 2,3**.
Bweguloka londako obutabi **2** oba **3** obulala bujjeeko. Osobola okutema amatabi mu mpalo-mu kifo ky'okutema olumu.

OKUSIMBA

Sima ebinnya futi 2*2 ku mabanga amatuufu. Tekamu nnakakavundira okusinzira ku kika-

20*20	**mu yiika**	**ebikolo**	**100-110**
20*15	**“**	**‘’**	**140-150**
15*15	**‘’**	**‘’**	**190-195**

Omuyembe omuyunge gutandika okubala mu myaka 2 – naye okubalira ddala – nga gugezze emyaka 6-8. Buli lwegugejja gweyongera okubala.
Omuti gusoboola okuvamu ensawo-ssinga obulwadde nebiwuka tebyonoona bimuli mu kumulisa nemukubala okuva mu buto okutuuka lwejengera.

EBALABE

(i) ENKUYEGE:

Mu kyeeya endokwa ento mu nnimiro.
Mansira Marshal Suscon oba Chloropyrifos powder- okwetoloola ebikolo naddala mu kyeeya enkuyege bwezibeerawo fuba okusengula ebiswa ebikuliraanye.

ii) MANGO WHTE SCALE:

Obuwuka buno bufaanana ngo obwo obukwata emicungwa- okuggyako nti obwemiyembe bukwata kubibala byokka sso nga obwemicungwa bukwata ne bikoola nobutabi(**citus snow scale)**

Kubibala ebito-busobola okulabika ng'obutondo obweru obw'ekulungirivu-wenuuna amazzieddiba litera okufuuka langi eyakyenvu era newennyikamu, ekibala nekibeera ng'ekirwadde **kawaali**- tekisirikiza muntu. Bwebuba obungi olwoyalwabwo olweru lufaanana ng'obuwuzi bwa ppamboba olutikotiko olweru.

Kozesa:

*** Malathion EC** ogattemu butto omutonotono oba enkwanso.
*** Ethion** oba **Marshal EC** n'ebirala.

iii) MANGO SEED WEEVIL:

Ebiwuka bino ebikulu bibiika amagi mu lususu lw'emiyembe emito ng'ebikutabikyagonda..Amagi bwegeyalula obuto buyingira munda munsiga ento nebugirya era nebukulu nga buyita mu mitendera gyabwo gyonna.Omuyembe bwegweyongera butera okuwummula nga bukuze nebufuluma. Ekibala kibeerako ekituli- era kiba tekikyatundibwane wankubadde ng'obuwuka tebukyonoonye.Obumu tebufuluma era osobola okulya omuyembe nga tomanyi nti mulimu ekiwuka.

Oluusi ebibala ebimu bikunkumuka nga bito. Tewatera kubeera bubonero kungulu obulaga nti ekibala kikwatiddwa.
Waliwo ebika ebitayagalwa biwuka bino nga: **Ngowen**, **Boribo** ne **kitovu-** bw'oba obifunye byo tebikwatibwa nnyo.

Toleka bibala ebigwa nga bito n'ebyo ebikunkumuka okuvundira wansi w'omuti kubanga oba oz'a!ukusa biwuka bino.

Osobola okufuuyira ng'ebibala bitandise okussako ng'ebimuli biweddeko buli wiiki 2
Okutuusa emirundi 3 oba 4 (oba olitabule neriwonya oblwadde).

***Marshal 250 EC, Malathion 50 EC, Fenthion 50 oba Ethion 50,Fenom P** ly'erimu ku ddagala ly'osobola okukozesa.

(iv) **APHIDS:**

Obuwuka buno bugumba wasi w'ebikoola ebito n'obutabi obuto bunnuna amzzi ebikoola nebitakula bulungi- ebimu by'efunya era bugaana ebitundu ebikula okugenda mu maaso.
Kozesa eddala lyonna eributa nga **Malathion 50 EC**, **Dimethoate**, n'ebirala

(v) **FRUIT-FLY:**

Ebiwuka bino ebikulu bitera okulumba ebika by'emiyembe egimu egikuze.
Bibiika mu lususu, amgi bwegayalulwa – oluvunyu luyingira mu kibala nerukinvunza kungulu kirabika bulungi naye nga munda mufu. Birumba nnyo emiyembe egifinye okulumizibwa ku lususu nerunafuwa naddala munda egirwadde ebikaata (Scab) negyatikako.

Fuba okuziyiza obulwadde bwonna oba ekintu kyonna ekinafuya olususu lw'ebibala.

OBULWADDE:

(i) POWEDERY MILDEW:

Obulwadde buno bw'ebubukyasinga okufiiriza omulimi w'omu Uganda ku muyembe. Bukwata bikoola, obuti bw'ebimuli, ebimuli by'ennyini era n'obubala obuto.Obulwadde buno bubikka ebitundu ebikwatiddwa nempumbu oba oluvuuvu (powder). Ebimuli n'obubala obuto bifuuka kitakataka era bikunkumuka. Gwonna guyinza okulwala negutassaako muyembe n'ogumu mu season obulwadde nga bungi.

Ebikoola by'efunya ebitundu ebimu oluusi obutabi bukala. Obulwadde buno bukwata nnyo emiyembe bwegimulisa mu kiseera obudde nga bwekinnyika ggobe, mu kyeeya tebutera kubeera bungi ate enkuba etera okubugaana okubuna ennyo-olw'okuba nga busasaanyizibwa mpewo okutuuka ku miti emirala enkuba ebunaaza nebukka mu ttaka nebuteetaaya mu mpewo. Waliwo ebika ebijoogebwa ennyo obulwadde buno.

Tandika okufuuyira ebimuli nga bitandise buliwiiki 2 okutuusa ebibala nga bikakase oba biwezezza inchi emu (1). **Benomy, Karathane, Triadimefon 250, Chlorothalonil, Theophinate-methyl,** libuziyiza n'okubuwonya.

(ii) **MANGO SCAB- EBIKAATA:**

Bukwata ku bikola, ebimuli n'ebibala. Kubibala buleeta ebikaata. Ebimu bigubya olususu nerukaluba nerugaana okukula- ekivaamu omuyembe gwabika obulwadde obulala buyingir. Ebikaata birabisa bubi emiyembe era tegiba na katale. Kozesa erimu ku ddagala eryo waggulu.

(iii) ANTHRACANOSE- (AMABWA N'OKUVUNDA)

Obulwadde buno bulumba ebitundu ebito ku muti n'okusingira ddala ebikoola, ebimuli n'ebibala byennyini. Butandika ng'oobutondo obuddugavu ku bitundu ebikwatiddwa- era ne busasaana mangu ku bimuli n'obutabi bwabyo- bingi nebifa.

Ebibala ebito bikwatibwa okutuusiza ddala nga bikakase. Obulwadde

ENNIMA, EDDAGALA, NENZIJANJABA YE MIYEMBE TUKIRIRA:

WALUSIMBI BAAGALA
OMUSOMESA W'OBULIMI
AKASANDUKO 3700
E SSIMU 0772667217 **OBA**
BUKOOLA CHEMICAL INDUSTRIES LTD
NAKIVUBO KAMPALA
ESSIIMU 0772507631
E-MAIL: bukoola@infocom.co.ug